# Munsenyoli Kayondo alaze abazadde n'abayizi ebinaabayamba okwanganga ensi



Omukulu w'essomero, Agness Nsubuga ng'akulisa omu ku bayizi (wakati ye Msgr. Kayondo.

Bya STEVEN MUSOKE

MUNSENYOLI Dr. Richard Kayondo ow'omu ssaza ly'e Lugazi awadde abayizi n'Abakristu ebintu ebinaabayamba okuyita mu mayengo g'ensi eno.

Yabasabye bulijjo okukulembeza Katonda, okubeera n'ekiruubirirwa, okuyambako abanafu n'okuyiga okukolera awamu. Bino Msgr. Kayondo yabyogeredde mu mmisa gye yayimbye ku mukolo gw'okujaguza olw'abaana ba S4 abaatuula ebigezo mu ssomero lya St Joseph's SS okuyita obulungi.

Yabasabye bulijjo naddala abayizi abaagala okuyita obulungi okutandika amangu okubikolerera mu kifo ky'okulinda ekiseera ekisembayo.

Omukulu w'essomero lino, Agnes Nsubuga yagambye nti okukulembeza Katonda, empisa n'okukola ennyo bye biyambye essomero lino okusomesa obulungi n'okukula ennyo.